# Disitulikiti yo by'efunye

Bya KIZITO MUSOKE,
LAWRENCE KIZITO
ne SAMUEL BALAGADDE



Abayizi ba Emmanuel College Kazo nga bayiga ebyokukanika mu 'curriculum' empya.

BAJETI y'eggwanga ey'omwaka gw'ebyensimbi ogwa 2026/2027 eriko ebintu by'etaddeko essira ng'okuzimba amasomero, amalwaliro n'obutale ebitunuuliddwa ng'ebigenda okukuyusa enkulaakulana ya disitulikiti yo.

**EBYENJIGIRIZA**

Ebyenjigiriza byateereddwaamu obuwumbi 6,660 nga zaakukozesebwa okwongera okugaziya enkola ya Bonnabasome mu Pulayimale ne siniya, okwongera amaanyi mu masomo ga ssaayansi n'amasomo g'ebyemikono, okulongoosa embeera z'abasomesa n'okubatendeka, ng'essira gavumenti egenda kuliteeka ku basomesa ba nnassale.

Gavumenti era egenda kuddamu okwekenneenya ebisomesebwa ku mitendera egy'enjawulo okulaba nga bituukana n'omulembe, abazadde baleme kuweererera bwereere. Era yaakussa amaanyi mu yunivasite za gavumenti, n'amatendekero agassa essira ku kunoonyereza.

Era gavumenti egenda kumaliriza ebisaawe n'ebintu ebirala ebikozesebwa mu by'emizannyo, okusobola okutegeka empaka z'ekikopo ky'olukalu lwa Africa ez'omwaka ogujja 2027.

Era mu kaweefube w'okunyweza ebyenjigiriza, gavumenti etaddewo obuwumbi 568 n'obukadde 650 okwongeza emisaala gy'abasomesa ba Pulayimale n'abasomesa b'amasomo ga Arts mu siniya, kw'ossa abasomesa b'amasomo g'ebyemikono.

Abayizi 9,520,000 be baakaganyulwa mu nkola ya UPE bukya etandika n'abalala akakadde kalamba baganyuddwa mu USE ne Post O-Level Education and Training.

Gavumenti yamalirizza okuzimba amasomero ga siniya aga seed Secondary Schools 90 n'egaziya n'amakadde 54, waliwo amasomero ga Seed Secondary Schools 259 agaatandise okusomesa, awamu n'okumaliriza ekisaawe ky'ennyonyi eky'e Hoima.

**AMASOMERO AGAGENDA OKUZIMBIBWA**

Amasomero 118 ge gagenda okuzimbibwa mu disitulikiti ez'enjawulo mu ggwanga okuli; Buwenge TC seed school (Jinja), Bubentsye Seed SS (Mbale), Luwube Seed Muslim S.S (Luweero), Musiitwa Seed S.S Nazigo (Kayunga), St. Andrew's Ndwaddemutwe Seed S.S (Mukono), Ssugu Seed S.S (Buikwe), Blessed High School (Nakaseke), Bananywa SS (Kyankwanzi).

Malaba TC Seed Secondary School (Tororo), Nakwasi Seed Secondary school (Butaleja), Mbirizi Seed S. S (Lwengo), Lukaya Seed S.S (Kalungu), Katoma Seed SS (Kiboga), Namungo S.S (Mityana), Birembo Seed S.S (Kakumiro), Wakiso Seed SS (Wakiso), Bukiiro Seed S.S (Mbarara), Lwebitakuli Seed SS (Sembabule), Bukakkata Seed SS (Masaka), Nekemeya Memorial S.S (Kalangala).

Amalala kuliko; Samson Kalibbala Kamya Memorial Seed Secondary School (Sembabule), Kyayi Seed SS (Gomba), Budde SS. (Butambala), Wamatovu Muslim S. S (Mpigi), Kigando S.S. (Mubende), St. Maria Gorret Seed SS Manyogaseka (Kassanda), , Rwamabara S.S (Lyantonde), Bwizi Seed S.S. (Kamwenge), Budongo Seed S. S. (Masindi) ne Nang'oma Seed S.S (Kyotera).

**AMALWALIRO AGAGENDA OKUZIMBIBWA**

Minisita w'ebyensimbi, Henry Musasizi bwe yabadde asoma bajeti yagambye nti abantu abalamu obulungi be basobola okukola emirimu egikulaakulanya eggwanga, era mu mwaka gw'ebyensimbi 2026/27, gavumenti etadde mu by'obulamu obuwumbi 5,230.



Gavumenti essira egenda kuliteeka ku kumaliriza amalwaliro agakyazimbibwa, n'okusitula omutindo gw'ago agaliwo, gasobole okuweereza abantu abawerako.

**Gavumenti egenda kuddaabiriza amalwaliro okuli;**

- Masindi General Hosipital
- Hoima Regional Refferal Hosipital
- Buseruka Health Center IV e Hoima
- Entebbe Paediatric Hosipital

Amalwaliro agali mu kuzimbibwa kuliko; Specialized Cardiac Hospital e Naguru, International Specialized Hospital of Uganda ery'e Lubowa nga lino lisuubirwa okumalirizibwa litandike okukola, kw'ossa okuzimba we bajjanjabira kkansa mu malwaliro ga gavumenti agali mu bitundu eby'enjawulo.

Gavumenti era omwaka guno egenda kutandika okusitula omutindo gw'amalwaliro era amalwaliro agagenda okusitulwa kuliko;

Wakiso Health Centre IV ligenda kulinnyisibwa lituuke ku mutendera gwa disitulikiti nga lirina ebitanda 300 nga kyakutwala emyaka esatu, okutandika ne 2026/27.

Amalwaliro ga KCCA agagenda




Akatale akagenda okuzimbibwa e Wakiso nga bwe kagenda okufaanana.

**OBUTALE OBUGENDA OKUZIMBIBWA**

Okuzimba obutale kusinze kuteekebwa mu bitundu bya Kampala n'emiriraano awamu ne mu bibuga ebiri ku mutendera gwa munisipaali. Waliwo obupya obugenda okuzimbibwa, okusengula obumu n'okutereeza engeri abantu gye babadde bakolamu.

Mu Kampala mu kifo ky'okuddamu okuzimba akatale ka Owino konna, essira balitadde mu kuddaabiriza obulala obusangiddwaawo nga Busega, Usafi ne Wandegeya kuba bukyasobola okuwa abantu 1,200 ebifo.

Akatale ka Wakiso Central Daily Market bamaze okukawa kontulakita wa Techno Three Uganda Ltd agenda okukazimbira ku ssente obuwumbi 23.991. Bagenda kukazimba nga kalina ebizimbe eby'omulembe era kajja kukoleramu abasuubuzi abawerera ddala.

Akatale k'e Kawuku Market akasangibwa ku lw'e Ntebe, nako baamaze okukakwasa kontulakita wa Scaffold Engineering and Construction Ltd agenda okukazimbira ku buwumbi 19.804.

Entegeka zikyagenda mu maaso ez'okuzimba obutale obw'omulembe mu munisipaali y'e Kira ne Mukono awamu n'okubakolera obuwanvu bw'oluguudo lwa kiromita 29.7.

Ab'e Kayunga Town Council bali mu kubazimbira akatale ka bukadde 500 basenguliremu abasuubuzi abaali bakolera ku nguudo.

Waliwo n'entegeka eziri mu kukolebwa okuzimba obutale obw'omulembe mu bibuga byonna ebiri ku mutendera gwa City buyambe okutumbula ebyobulimi ne Gavumenti z'ebitundu zifunemu emisolo.